**20th October 2019.**

# YESU KRISTO YE MUKAMA W'AMAKA.

**Abakkolosaayi 3:18-25.**

Nga Pawulo omutume amaze okukuutira Abakkolosaayi okukola buli kimu mu linnya lya Mukama waffe Yesu nga bayita mu ye okwebaza Katonda mu verse 17, kati alaga n'obulamu bw'amaka bwe bulina okuba nga nago ebigabeeramu byakulaga Obukama bwa Yesu Kristo.

Vs.18 Pawulo asomesa abakazi okuwulira babbaabwe kubanga kye kituufu mu Mukama waffe Yesu Kristo.

Buli maka ga mukristaayo agalimu omukyala gaalina okulaga ekitiibwa kya Kristo Yesu nga ye Mukama w'amaka ago.

Omukyala agondere obukulembeze bwa bbaawe ng'ekkanisa bwegondera obukulembeze bwa Yesu Kristo.

Abaefeso 5:22-24………..

1Abakkolinso 11:3………

Vs.19 Abaami ng'emitwe (Ekifanaanyi kya Yesu Kristo mu maka) Pawulo abasomesa okwagala bakyala baabwe ate n'obutabakwaasa bukambwe (obutabakwatibwa bukambwe.)

Abaefeso 5:25-33……..

Abasajja ffena tusoomoozebwa okwagala bakyala baffe n'okwagala okutatabuddwaamu bukyayi. Okwagala kuno kifaananyi ekyoleka Yesu Kristo bwe yayagala ekkanisa ne

i) Yeewayo ku lwayo.

ii) N'aginaaza n'amazzi n'agitukuza n'ekigambo kye era alyoke agifuule ey'ekitiibwa, etaliiko bbala wadde akamogo, ebeere ntukuvu etuukiridde.

Ekitiibwa ky'abakyala n'okutuukirizibwa kwabwe biri mu buvunaanyizibwa bwa basajja okutwala ebifo byabwe mu maka gaabwe.

Mu buvunaanyizibwa buno mwe muli n'okusomesa bakyala baffe ekigambo kya Katonda ekigenda okubooleka eri Kristo nga banaaziddwa.

Era mulimu okubaagala n'okusinga bwe batwagala. Kino tekitegeeza nti tebabaatusobye.

Era nga bwetulaba ekkanisa bw'esobya Kristo; naffe tumanye nti abakyala basobola okutusobya naye tukubirizibwa obutabakwata na bukambwe.

Kino kifo kizibu nnyo eri buli musajja kubanga mu kwagala mulimu okufa ku lw'oyo gw'oyagala.
Vs. 20 Abaana bo baakubirizibwa okuwulira bakadde baabwe mu bintu byonna. Kino kigeraageranyizibwa ku tteeka ery'okutaano mu mateeka ga Musa.
Okuva 20:12……..
Mu maka gonna Kristo mw'ali Mukama, abaana baamwo balina okuwulira bakadde baabwe nga kino gwe musingi okuzimbibwa okutya Mukama.
Abaefeso 6:1-4………
Enkolagana zino zikwasaganyiziddwa nga lujegere nti omusajja mu maka bw'ayagala mukyalawe, n'omukyala n'agondera omwami we olwo omwana naye asobola okuwulira bombi kubanga bye bakola bibassa mu kifo ekituufu mu bulamu bw'omwana.
Vs.21 Abazadde nga bwe bali abasomesa b'abaana mu buli kimu, ebikolwa byabwe eri abaana biyinza okubakuza oba okubaddiriza mu kukkiriza Katonda.
Ekifo ky'okubeera omuzadde omulungi kireetera abaana okussaamu omuzadde ekitiibwa.
Omulimo gw'omuzadde eri omwana guzingiramu bino wammanga;
i) Okusomesa; Ekyamateeka Olw'okubiri 6;6,7. Ekibuuzo: Ani asomesa abaana bo?
ii) Okutendeka (training) Engero 22:6
iii) Okugabirira; 2Abakkolinso 12:14
iv) Okukuza (nurturing); Abaefeso 6:4
v) Okwagala; Tito 2:3-4
Ani akola obuvunaanyizibwa obwo waggulu mu bulamu bw'abaana baffe?
Bwe tunaakola ebyo kijja kuba kiyamba abaana baffe baleme kututwala ng'abalabe baabwe okusinga mikwano gyabwe.
Vs. 22-25 Pawulo yawandiikira abaddu kubanga mu biro bino eKkolosaayi abakozi abasinga baali baddu era abaddu baasinganga n'abatali baddu obungi.
Abaddu bano nga bwe kiri eri abantu abanyigirizibwa baayanguwa okukkiriza enjiri ya Yesu Kristo.
Buli muddu yenna eyakkiriza Yesu Kristo okubeera Mukama we yayigirizibwa okuwulira mukama we ow'okunsi. Abaddu bano baakubirizibwanga okukola okusanyusa Katonda nga Mukama waabwe asinga era buli kimu bakikolenga ng'abakolera Katonda.

Omuddu ayagala okusanyusa mukama we ow'okunsi aba ne langi bbiri (abanga nawolovu). Aba alina byakola nga alabibwa ate bw'aba talabibwa era alina by'akola era ne byatakola mu mbeera zombi.
Embeera gye tukoleramu naffe leero eyinza okuba tesanyusa era nga twevuma lwaki twaasaba emirimu egyo, naye tumanye nti tukolera Katonda.
Enkola yaffe ennungi eri bakama baffe ereetera Katonda waffe okugulumizibwa era esobola okuba engeri bakama baffe abatakkiriza mwe basobola okuyita okukkiriza Yesu Kristo.
Abaefeso 6:5-7
Buli mukozi akole ng'asuubira okuva eri Katonda alaba mu kyama ate era atasosola mu bantu.
1Timoseewo 6:1-2
Buli omu mulujegere luno akole omulimu gwe nga bwe kimugwanidde ng'atunuulira Kristo Mukama we.
Okugonda, okwagala, okuwulira byangu okwogera naye okukola kuzibu. Naye nga bwe biri eby'obwakatonda tusabe Mukama okuyita mu mwoyo we Omutukuvu akole mu ffe kubanga bino yekka y'abisobola.